


# Omupiira gwa Fortebet gubacamudde

OMUPIIRA ogwategekeddwa kkampuni ya Fortebet ne ambasada waayo, Alex Muhangi gwalese ab'e Namungoona mu Lubaga batenda bitone by'abasiba ne Fortebet.

Kyaddiridde emu ku ttiimu okuva ku ttabi lya Munaku okusitukira mu kikopo wamu ne ssente ebyateekeddwaawo Fortebet.

Ttiimu eno empanguzi yafunye 500,000/, ekikopo, emipiira n'emijoozi. Ttiimu eyakutte ekyokubiri yafunye 300,000/, emipiira n'emijoozi ate ttiimu endala ne zifuna emijoozi n'emipiira. Omupiira guno gwetabiddwaamu ttiimu ezaakiikiridde amatabi ga Fortebet mu Namungoona.



Abazannyi ba Munaku nga bajaganya n'ekikopo.